# »Ebogobererwa mu kulunda enkoko ezireya obutaala nga zitaayaya «

Maka mangi mu Uganda galunda enkoko enganda naddala gakirya butaala /nga zitaayaya/ nag tesibiddwa mu biyumba byazo. Ngoboberera endabirira ennungi ebive mu nkoko zino bisobola okweyongera.

Mu kulunda okw'okulya obutaala, enkoko zirekebwa ne zitambula okwetoloola ekitundu ekinene /ekiwerako ekiyinza okuba nga kisiddwa emisana ate ekiro ne ziyingizibwa mu nyyumba yaazo. Obungi lwo lwebeyaya lw'enkoko lusinziira ku busobozi bwa ssente /bwe'ensimbi, ebikozesebwa , endowooza n'ebigendererwa ebisosowazibwa eby'omulunzi. Obwetaavu bw'okukuuma ebimera obutayononeka munkiseera ky'okusimba n'okukungula buziyiza entaayaya/entambula y'enkoko era kino kiretera enkoko obulwa ebirungo oba okuleeta obulwadde obuva mu butalya bulungi naddala mu biseera byokusimba nokukungula oba mu biseera kyonna .

## Endiisa y'enkoko

Endiisa y'enkoko eirya obutaala/ ezirya zitaayaya kusinzira ku bimmere/ebintu ebiriibwa ebiba bisuuliddwa era obungi bw'okubeeraw kwe bimmere bino/ebiriibwa bino kusinzira ku budde obubeerawo. Obudde obw'ebugumu ate nga bukalu nnyo buleeta ebiwuka bingi wabula obudde obunyogove ennyo buleeta ensiringanyi nnyingi.

Okukuriza enkoko okubeera okumpi n'ente kuyamba enkoko okufuna awava emmere y'enkoko endala/empya okugeza enkwa n'ensiringanyi. Obugazi bw'ekitudu busobola okwongerwako naddala nga tweyambisa ebitundu ebisobola okutukibwamu wansi w'emiti naddala awabeerawasibiddwa n'emiti.

Enkoko ezirya obutaala nga zitaayaya zisobolwa okuweebwa emmere eyongerezebwako n‘emmere ekubiddwa okukendeeza ku kuvuganya na bantu okugeza ebikozesebwa mu ngeri y‘emu nga emmere y‘ebyenyanja, soya n‘ebinyeebwa bikola nga ebisigalira oba obivaamu mu nkola y‘ebyuma okugeza okuva mu makolero ge by‘enyanja n‘emmere ekoleddwa mu nsiringanyi.

## Emize egisansibwa mu bulunzi bw‘enkoko

Omuddo ogusinga okuba emmere enkulu ey‘enkoko ezirya obutaala nga zitaayaya gulina obuzibu bwokuba n‘ebirungo ebitono eby‘ekiriisa. Era eno y‘ensong lwaki okwebojjabojja n‘okwerumalumakulabibwa nnyo.

Obutaba na kirungo kya mmere ezimba omubiri emala kiteberezebwa okugenda n‘okwebajjabojja kwebyoya . Mu ngeri yonna omuze gw‘okwebojjabojja gukendeera singa omutindo gw‘emmere egumya omubiri gweyongera.